Ebibuuzo n'okuddamu (Abasajja n'abakazi)

Ekibuuzo. Ku basajja na bakazi ani asinza okuba n'akawuka?

Okuddamu. leero omuwendo gwa basajja na bakazi abalina akawuka/sirimu gwenkankana okwetolora ensi. Newankubade gyebuvudeko abasajja bali basinga abakazi. Mu myaka egyise abakazi babade beyongede okufuna akawuka okusinga kubasajja: abakazi bava ku bitundu 35 ku 100 nebbada ku bitundu 48 ku bantu abakulu bona abalina akawuka n'abawala abaato bakola ebitundu 60 ku 100 okuva ku myaka 15 – 24 balina akawuka sirimu.

Ekibuuzo. Abakazi balina bebasinga okuba mbuzibu bukufuna akawuka?

Okuddamu. ye. Mu butonde abakazi emikisa gy'okufuna akawuka okuva ku musajja akalina giri wagulu okusinga ku gy'omasajja okufuna okuva ku mukazi.Abakazi balina ekitundu kyigazi nyo bitundu byabwe eby'ekyama okusinga ku basajja era kino kibateka nyo ku bulabe obwamanyi okufuna akawuka.

Ekibuuzo. Ate obutenkankana mu kitundu?

Okuddamu. Newankubade obutenkankana kiwulikika nga omulamwa omulala, naye kikusa ku bungi bw'abakazi obweyongera okufuna akawuka. Abakazi abalina obuyinza obwenkomerede mu byenfuna ne byobuwangwa balina obuyinza butono ku mibiri gyabe n'okubulwa okusalawo munteseganya mu byokwegata mukwano. Omukungo akikirira ekibina ky'amawanga amagate ku sirimu mu Afirika yagamba nti abakazi obutaba nabuyinja bwenkomelede kusalawo eri eby'omukwegata nengeri yokutangiramu akawuka yemu kungeri ezisinze okwongera ku bungi bwa kawuka/sirimu.

Ekibuuzo. Waliyo engeri endala zona eziteka abakazi mu matiga?

Okuddamu. ye, abakazi abasinga mu mawanga agakyakuli baba betaga omusayi n'okufibwako okwamanyi era bino biyinza okuba ekubo ku nsasanya y'akawuka. Naye eri nga zino zigenda zikendera enaku zino. Abakazi nabo bakosebwa mungeri nyingi. Ebyenfuna okwekubira ku luyi lw'abasajja boka kireka abakazi nga tebarina bumanyirivu , era baba tebasobola nakukola. Kino kibaretela okutandika okwetunda olobwavu. Abawala abato nebasikirizibwa sente okuva ku basajja abakulu oluvanyuma nebafuna sirimu.

Ekibuuzo. Abakazi be mugaso ewaka, ki ekitukawo bwebalwala?

Okuddamu. abakazi bebalabirira awaka, singa omusajja alwala obufunanyibwa bwona budira mukazi, sente zibula abaana nebaba nga tebakyasoma nebasigala kulibirala waka era ne maama naye nga alwala ekivamu baana kusigala nga bamulekwa. Leero waliyo obukadde 14 obwabamulekwa olw'okuba sirimu. Naye okukyusa ekyo tulina okukyusa empisa zaffe twekebeze omusayi tosomese nabalala ku sirimu.